
# URA ewuliziganya ne Palamenti bwe wabaawo amateeka g'omusolo amapya agayisibwa?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza omusolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.


Ababaka nga bali mu lutuula lwa Palamenti.

**Ekitongole kya URA kiwuliziganya ne Palamenti bwe wabaawo amateeka g'omusolo amapya agayisibwa?**

Yee. Ekitongole kya URA kiwuliziganya butereevu ne Palamenti bwe wabaawo ennongoosereza ku musolo eziba zireeteddwa. Jjukira ng'oggyeeko okugereka, okukung'aanya n'okwanjula omusolo mu kittavu kya Gavumenti, obuvunaanyizibwa bwa URA obulala kwe kuwabula Gavumenti ku mateeka g'omusolo mu ggwanga.

**Singa mbeera ne kkampuni gye mmanyi etunda ebyamaguzi ebirina okuteekebwako sitampu za digito kyokka nga teziteekako, nkola ntya?**


Bw'oba ne kkampuni gy'omanyi ng'efulumya n'okutunda ebyamaguzi ebiteekeddwa okussibwako sitampu za digito (Digital Stamps) kyokka nga tezissaako, nkusaba otutemyeko ku nnamba yaffe etesasulirwa ku 0800257700. Obubaka bwo bwa kukuumibwa nga bwa kyama tusobole okulondoola kkampuni eyo era nnannyini yo alambikibwe ku ky'okukola.

**URA mbasaba mutandike enkola y'okwasanguza ebitongole ebyebulankanya okusasula omusolo ensi yonna ebimanye osanga ebirala binaasasula.**

Ekitongole kya URA kyalina enkola mwe kyayitanga okwasanguza amannya ga bizinensi n'abantu ssekinnoomu ababeera batatuukirizza buvunaanyizibwa bwabwe ku musolo mu mwaka gw'ebyensimbi. Tweyanzizza ekirowoozo ekyo era ka tukyetegereze.

**Ssebo Mw. Rujoki, simanyi oba olina bizinensi gy'oddukanya kuba ekiro ewaffe tetukyalaba bakasitoma. Magezi ki g'oyinza okutuwa okwongera okufuna abali mu bizinensi y'okutunda engoye kuba bikalubye. (Florence Namagembe e Nansana).**

Mukyala Namagembe, buli lw'otandika bizinensi, wabaawo ennaku z'okutunda ennyo wamu n'ez'okusoomoozebwa. Mu biseera bino byonna okubirizibwa okukuuma ebiwandiiko bya bizinensi yo, nga bino bye by'okutuyambako okumanya omusolo ogw'okusasula. Kino kiri bwekityo kubanga ettunzi ly'okoze oba amagoba ga bizinensi yo ge gasinziirwako okugereka omusolo.



Akulira URA, Musinguzi.


**Alex Kyakijumba. Bwe ngula emmotoka ng'eri mu mannya g'eyaginguza, okugizza mu gange era lwaki muba mwagale nsasule?**

Mwami Alex, obuweereza obukwatagana ku kukyusa ekintu kyonna ku mmotoka busasulirwa, era jjukira nti, oteekeddwa okuba ng'olina ennamba y'omusolo oba TIN. Noolwekyo ku nsonga yo ey'okukyusa obwannannyini ku mmotoka ekimanyiddwa nga Transfer of Ownership osasula nga bwe kirambikiddwa wammanga; Ggwe akyusa emmotoka eya buyonjo, osasula 84,000/-, pikipiki 74,000/-, n'emmotoka enkozi z'emirimu osasula 104,000/-.

## Bwe ntandika bizinensi endala nayo nnina okugifunira TIN?

**Nansikombi e Nateete: Ndi musuubuzi wa masimu era bizinensi yange nnagifunira TIN. Ennaku ezo naggulawo edduuka ly'ebyamasannyalaze. Eno bizinensi nayo nteekeddwa okugifunira TIN?**

Mukyala Nansikombi, buli lw'otandika bizinensi, oteekeddwa okugiwandiisa n'efuna erinnya mu butongole okuva mu kitongole kya Uganda Registration Service Bureau (URSB). Oluvannyuma, lw'okugiwandiisa, gifunire TIN okuva mu URA. Bw'oba ne bizinensi empya gy'otandise, gyongere ku TIN okuli ey'amasimu.


Omuwala ng'ali mu bizinensi.

## Bizinensi y'omwana atannaweza myaka 18 esasula omusolo?

**Bizinensi y'omwana omuto atannaweza myaka 18 nayo esasula omusolo?**

Bizinensi bw'eba ewandiisiddwa mu mannya g'omwana atannaweza myaka 18, eteekeddwa okussibwako abayima baayo okutuuka omwana lw'aweza emyaka 18. Nga bizinensi endala zonna, n'eno eteekeddwa okusasula omusolo bw'eba erina ennyingiza n'amagoba g'ekola.

**Kitimbo e Mpereerwe: Bwe mbeera ne bizinensi yange n'egwa, oluvannyuma ne nziramu okukola emirimu, TIN yange ne litaani bikolebwa bitya?**

• Mwami Kitimbo, bw'oba ne bizinensi n'egwa, kyalira URA, TIN yaayo esirisibwe, era bw'oba ozzeemu okukola, oteekeddwa okudda ne tuzuukusa TIN eyali yasirisibwa.

Ekiseera TIN ky'emala nga yayimirizibwa kitegeeza nti, oba tokakatibwako kussaamu litaani ya bizinensi yo. Kyokka bizinensi bw'eddamu okutojjera, oteekeddwa okussaamu litaani n'okutuukiriza obuvunaanyizibwa obulala bwonna ku musolo.

